# Bakwatiddwa lwa kweyita muduumizi wa Poliisi

Bya ERIA LUYIMBAZI


Abavubuka abaakwatiddwa olw'okweyita omuduumizi wa Poliisi mu Uganda.

POLIISI ekutte abantu basatu ababadde bakozesa omutimbagano ne beeyita omuduumuzi wa poliisi mu ggwanga, Abas Byakagaba ne baggya ssente ku bantu okuli n'abaserikale nga babasuubiza okubakyusa ofiisi n'ebifo babateeke mu birala.

Ekikwekweeto kino kyakoleddwa poliisi ya Jinja Road oluvannyuma lw'abasatu bano okubaako omuserikale gwe babadde baagala okubba nga beeyise omuduumizi wa Poliisi. Baamuweerezza obubaka wabula n'abatebuka n'aggulawo omusango poliisi n'etandika okubanoonya.

Amyuka omwogezi wa Poliisi mu ggwanga, Diana Nandawula yakasizza okukwatibwa kw'abavubuka bano n'agamba nti waliwo omuserikale gwe babadde baweereza obubaka ku mitimbagano nga kwe batadde n'okumusaba ssente.

Yagambye nti abaakwatiddwa kuliko Abubaker Othman Ariho, Fahim Bukenya ne Dalton Kaweesi nga kati banoonyerezebwako ku misango gy'okwefuula kye batali n'okukozesa olukujjukujju ne baggya ssente ku bantu. Yagambye nti, abaserikale babadde babafera ng'olukuggyako ssente toddamu kubawuliza.